# Ababaka babanguddwa ku nkola y'emirimu mu Palamenti

Bya KIZITO MUSOKE NE TEOPSITA NAKAMYA



MIRIAM NAMUTEBI

Ababaka nga bawuliriza ebyabadde bibabuulirwa. Mu katono ye Mwesige. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

ABABAKA ba Palamenti ye 12 batandise okubangulwa ku ngeri y'okweyisaamu n'okuteesa nga bali mu lukiiko lw'eggwanga olukulu.

Omusomo guno ogw'okumala ennaku essatu, gwatandise eggulo ku Palamenti nga gwaguddwaawo omumyuka wa Sipiika, Thomas Tayebwa. Omusomo guno gwaddiridde okulonda Sipiika n'omumyuka we ku Mmande nga gwetabiddwaamu ababaka abasinga obungi aba Palamenti y'e 12.

Tayebwa yasabye ababaka bayige enkozesa ya ssente baleme kufuula ofiisi ya Sipiika buuma bwa ATM nga balowooza nti y'erina okubakolera ku bizibu byabwe kuba obusobozi tebulina.

"Nze waliwo ekiseera we natuuka nga ntya n'okujja mu ofiisi olw'okuba sirina bukadde butaano oba 10 ez'okugabira ababaka abantuukirira nga bansindira ebizibu," Tayebwa bwe yagambye.

Yagambye nti ng'omuntu alina bingi by'ayigidde mu Palamenti y'e 11 era nga yabyogeddeko ne Sipiika omupya okulaba engeri gye bayinza okubyewala.

Emu ku nkola z'ayagala okuteekawo kwe kulaba nga bassentebe b'obukiiko basalawo ku ntambula z'ababaka naddala ebweru w'eggwanga nga tebasoose kugenda wa Sipiika.

Bassentebe b'obukiiko balina okubeera abeerufu nga banjulira babaka bannaabwe ababa batambudde, baleme kubeera nga abantu be bamu be batambula buli kadde. Yasabye ofiisi ya Kalaani okuyambako mu kutereeza ensonga eno.

Obukiiko bugenda kuweebwa ssente ezirondoola emirimu baddemu okutambula obulungi era nga waakukakasa ng'enkola y'ababaka aboolubatu okwetwala nga abeekitalo nga be batambula buli kaseera teddamu kulabikako.

Kalaani wa Palamenti, Adolf Mwesige yagambye nti okubangula ababaka ku ngeri gye balina okukolamu n'okweyisaamu ebadde nkola ya Palamenti era nga ne ku mulundi guno kyabadde kirina okukolebwa.

"Ababaka balina okumanya obuvunaayizibwa bwabwe n'engeri gye basobola okubutuukirizaamu, obukulembeze bwa Palamenti n'amateeka agagobererwa nga tuteesa kuba abasinga bapya," Mwesige bwe yagambye.